

STANDARD HIGH SCHOOL – ZZANA

S.3 LUGANDA SET TWO 2020

OBUDDE: 2Hours

EBIGOBERERWA

- Ddamu nga bw'olagiddwa.
- Forward scanned answer sheets to **stahiza2020@gmail.com**

EKITUNDU A

1. Ku mitwe egikuweereddwa londako ebiri buli gumu oguwandiikeko embooji ya bigambo ebitasukka 200.
 - (i) Wandiikira mukwano gwo ali ebweru w'eggwanga ng'amaze emyaka nga kkumi nga tali mu Uganda ng'omunyumiza engeri Uganda gyekulakulanyeemu.
 - (ii) Wandiika ekirango ng'olanga omwana gwe walonze bwe wabadde ojja ku ssomero.
 - (iii) Wandiikira omukulu w'esomero eribariraanye nga weemulugunya ku nneeyisa y'abayizi b'essomero lye.
 - (iv) Obaddewo nga bakuba omuvubuka ateberezebwa okubba ppikipiki era ne bamutta; wandiika eggulire erinafulumira mu lupapula lw'amawulire.

EKITUNDU B

2. (a) Jjuza ekisoko ekituufu mu banga erikuweereddwa.
 - (i) Ka tusabe Katonda obudde abuggyeko.....tulabe ebinaddirira.
 - (ii) Tiina yali mukazi mulungi.....
 - (iii) Kasobeza ddala yali busa bwa.....bukala ku ngulu nga munda bubisi.
 - (iv) We twatuukidde, ng'abantu bonna batedde.....
 - (v) Tokiiya yali tadduka.....mbwa
 - (vi) Oyo omuwalakeebisse buka.
 - (vii) Abaana bonna baabadde.....bisiki oba bakkuse nnyo?
 - (viii) Abaana bwe baalaba omusomesa ne basirika be.....
 - (ix) Akawala bakayita mumpi awunya.....
 - (x) Buno obubuuzo kubaddemu jjenje.....

2(b) Laga embu z'amanya gano.

- (i) Omusajja
- (ii) Abaana
- (iii) Omugaati
- (iv) Eminyira
- (v) Ebbeere

EKITUNDU C

3. Londako ekibuuzo kimu kyokka.

3(a) Olugero lwa Tokiiya ssomo eri omuvubuka wa leero. Kakasa kino n'ebiyokulabirako.

Oba

3(b) Olugero lwa Tokiiya lutwoleka embers n'enneeyisa ya bannakibuga. Kakasa kino n'ebiyokulabirako.

BIKOMYE WANO